

**28<sup>th</sup> May 2017.**

## **OKUSABA KWA DANYERI OKW'OKWEGAYIRIRIRA.I**

### **Danyeri 9:1-19.**

*[Waaliyo omulenzi omuto mu maka agamu eyabuulirwa bazadde be nti bw'osaba Mukama kyonna ky'oyagala akikuwa. Naye kwa kussaako ku TV, alabireko bwe basaba abo abayitwa 'Abasajja ba Katonda', era bw'amala okulaba, olwaasooka n'afukamira ng'agenda okwebaka n'asaba nti " Ayi Mukama nkusaba ompe eggaali emmyuufu ngifune enkya mu linnya lya Yesu Kristo, Amiina". Olunaku bwe lwaazibanga tagifunye, n'alabayo 'Omusajja wa Katonda' omulala, era ng'agenda okwebaka n'asaba nti "Mukama Katonda w'eggulu n'ensi nangirila nti kumakya kumulyango gwaffe onossaako eggaali emmyuufu empya olw'amaanyi go amangi, mu linnya lya Yesu Kristo Amiina". Bwe bwaakya n'akeerera ku mulyango ng'eggaali teriiko, n'asoberwa. Era kwe kugenda mu ddiro lyaabwe ewaali ekibumbe kya Maliya Omutuukirivu, nsuubira baalimu eddiini emukkiririzaamu, n'akisitula n'akifulumya, nnyina kw'eggezaako okumweetegereza kye yaliko, Bwe yakomawo munju, nnyina yalaba afukamira n'asaba nti "Ayi Yesu, bw'oba ng'onoddamu okulaba oba okuwuliza ku Maama wo, neetaaga nsooke nfune okuva gyooli eggaali empya ....."]*

Bangi ku ffe tumanyi obukulu bw'okusaba kyokka tulowooza bulowooza ku kusaba, abamu ne tukitwaala nti kw'abalondemu okukunyiikiriramu, kyokka nga emirundi mingi mu Baibuli tulagirwa era ne tulagwa okusaba, nga bwe tuzze tulaba mu misomo gyaffe mu kitabo kya Danyeri, gwe tuzze tulaba okuba nga yali musajja musabi nnyo, nga bwe gwaali mu ssuula ey'okubiri, ne mu y'omukaaga bwe twasomesebwa ku mulamwa gw'okusaba okuwanguzi, lwe yewaayo asuulwe mu mpologoma okumutta kyokka nga taleseeyo kusaba, era ne tulaba nti tezaamulya kyokka abaamusuuzaaayo ne zibalya bonna n'ab'omunju zaabwe.

Ng'abakkiriza mbakubiriza nti kikulu nnyo okusabanga Mukama, olw'emiganyulo emiyitirivu mu kkyo ate n'okuba nti Mukama atulagira okusabanga obutaweera, muyinza okusoma mu Lukka 18, naye nga n'okweetegereza obulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo tulaba nga ddala naye yali Musajja musabi nnyo ate nga yali Katonda mu mbala y'obuntu.

Era nga ku Mukama bwe twaalaba nga yali musabi nnyo, okutuuka okusabwa abayigirizwa be basomesebwe okusaba, era yabawa endagiriro y'okusabangamu obutuufu mu Matayo 6.

Mu ssuula yaffe eno ey'omwenda tunaayigira ku Danyeri embala z'okusaba ze tugwaanidde naffe okuba nazo okusobozesebwa okuba abasajja n'abakazi abasabi abalungi, era nga bwe tunaazissa mu nkola ddala tunaaweesanga Mukama ekitiibwa ekimugwanidde eri obulungi bwaffe.

[*Tusome ekitundu 9:1-19*.....

Ekiseera kituweebwa okuba mu biro nga Babulooni ewambiddwa aba Meedi, mu mwaka ogw'olubereberye ogwa Daliyo. Gwe tujjukira mu ssuula 6.

Kye tusooka okulaba ku mbala z'okusaba okutuufu kwe kuba nti kusinziira ku kigambo kya Mukama. (True prayer is in response to and based upon God's Word). Mu kigambo kya Mukama mwe tujja ebisuubizo bye kwe tusiinziira okuba n'obwesige okumusaba bye tweetaaga ne bye twagala n'obunyweevu bw'okukkiriza nti binaatuweebwa. Nga bwe guli mu ffe, nti oba n'obuvumu obusingako okusaba omuntu eyakusuubiza okusinga ataakusuubiza kintu ekyo. Ate nga tumanyi nti mu Kigambo kya Mukama mwe tukakasibwa okwagala kwe mwe tulina okusinziirira okutabagana naye mu kukkiriza.

Baebbulaniya 11:6, lutugamba nti "Awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda". N'olw'ekyo bwe tuba ab'okusaba ebyo bye tweetaaga ebinaasanyusa Katonda tulina okumanya ekigambo kye mwe tulina okusinziira okubimusabanga.

Danyeri nga bwe tubuuliddwa mu Inny.2 nti yategeera amakulu g'ebyawandiikibwa, ng'ekigambo kya Mukama bwe kiri kye yawa nabbi Yeremiya. Mu Yeremiya 25: okusinga mu nny 11,12 ate ne mu ssuula 29: okusinga 10.... Kwe tintera okujja eby'ongerwaako nti ...nny11-14.

Kitulaga nti Danyeri wadde yali musajja mukulu nnyo mu buyinza nga Katikkiro, kyokka yasomanga ekigambo kya Mukama era yeewangayo nnyo okkisabirangamu. Kati gwe mwannyinaze ojja ggamba nti oli busy nnyo, tofuna budde busaba bulungi, era ne ku kkanisa tosobola kutuukayo kusabiranga wamu n'ab'oluganda nga bwe tintera okkola buli lwa kuna mu prayer service. Naye nga bwe wekkaliriza ebiseera by'omala ku WhatsApp ne Facebook ate olaba nga ddala olimba bulimbi, obudde bwo olina bubeezi katonda mulala gw'obutaddemu, naye ate ssi suubira nti on'ofunamu okusinga bwe wandi buwadde Mukama Katonda w'obulamu bwo. Omukaaga ebirala tunaabilaba oluddako, olw'obudde.